
# Asindikiddwa Luzira lwa kuwamba mwana


Ntege yasindikiddwa Luzira.


Kabeyogerere oluvannyuma lwa Poliisi okumukwasa muzzukulu we, Malayika eyali awambiddwa.

Bya WASSWA B. SSENTONGO

OMULAMUZI wa kkooti esookerwako e Matugga asindise omuvubuka ow'emyaka 28 e Luzira ku by'okuwamba omwana ow'emyaka 3 n'akanda bazadde be ensimbi obukadde 40.

Shafik Ntege 28, omutuuze ku kyalo Kyondo e Matugga mu divizoni y'e Gombe mu munisipaali y'e Nansana y'avunaanibwa. Omulamuzi wa kkooti esookerwako e Matugga, Apederet Marion amusomedde omusango gw'okuwamba omuntu n'ekigendererwa eky'okufuna ssente mu lukujjukujju.

Kigambibwa nti, Ntege yawamba omwana Jemima Malayika nga March 8, 2026 bwe yali azannya ne banne. Oluvannyuma yakubira jjajja w'omwana, Elizabeth Kabeyogerere amasimu ag'okumukumu ng'amukanda obukadde 40 okusobola okumumuwa nga mulamu.

Abazadde oluvannyuma lw'okutegeera nti omwana waabwe awambiddwa, beekubira enduulu ku poliisi eyatandika okukola omuyiggo ku bantu bano, okukkakkana ng'ebakutte. Mu kubakwata, omwana yali mu mbeera mbi nga kiraga baali bamutulugunya omuli obutamuwa mmere era poliisi bwe yabakwata, Malayika baali bamusibidde mu kisenge.

Omulamuzi amusomedde omusango n'atamukkiriza kubaako ky'ayogera kuba omusango gwa nnaggomola. Yalagidde atwalibwe e Luzira okutuuka nga April 9, 2026. Yamugambye nti bw'aba ayagala okweyimirirwa, alina kugenda Nabweru kuba kkooti y'e Matugga terina lukusa kumuwa kweyimirirwa ku musango guno.